# Ekizimbe Hajji Katongole owa UTODA kye yaleka bbanka ekigaanidde

Bya SAUL WOKULIRA

BAMULEKWA ne bannamwandu b'omugenzi Hajji Musa Katongole eyali owa UTODA basattira olwa bbanka okulemera ebyapa by'ettaka bamulekwa bye baagabana n'ebimu nga kwe kutudde amaka ga bannamwandu.

Ekimu ku byapa bino kwe kutudde kalina esangibwa ku Mackay Road mu Kampala wakati okumpi ne paaka empya ekipangisibwa Equity Bank era ng'eno y'eremedde ebyapa bya bamulekwa.

Wabula Equity Bank egamba nti, olw'okuyomba okuli mu baffamire baabuzaabuzibwa ani mutuufu ow'okukolagana naye ku nsonga z'ebintu by'omugenzi Hajji Katongole.

Nnamwandu Hajjati Aisha Katongole yagambye nti, omugenzi yali yeewola ssente mu Equity Bank ne bakkaanya bbanka ekozese ssente ez'obupangisa yeesasule ate ezifikkawo baziteeke ku akawunti ya Hajji Katongole.

Mu kiseera kino, emyaka gikunukkiriza mu etaano nga Hajji Katongole afudde era n'ebbanja lyaggwaayo, wabula Equity Bank tesasulanga ku bamulekwa ssente za bupangisa abaagabana ekizimbe ekyo ebbanga eryo lyonna ate ng'omugenzi yakirekera abaana



Omugenzi Musa Katongole

n'okusinga abato kibayambe okufuna ffiizi era embeera eno yanditaataaganya emisomo gyabwe.

Ekirala n'ebyapa ebyakozesebwa nga emisingo ng'omugenzi yeewola nabyo bbanka bagyetawuddeko ebibaddize ne yeerema.

Ekirala, bamulekwa beebuuza lwaki yinsuwa teyasasula looni nga Hajji Katongole afudde ng'amateeka bwe gagamba kyokka omugugu n'eguzza ku ffamire okumalayo ebbanja ly'omugenzi.

Baasabye Bbanka Enkulu eya Uganda eyingire mu nsonga zino.

Bamulekwa baawandiikidde aba bbanka amabaluwa agawera nga baagala ebasasule ssente z'obupangisa wabula bbanka yeerema okubasisinkana kati emyaka gigenda kuwera etaano.

Bamulekwa bagamba nti, waliwo ebbaluwa bannamateeka



Ekizimbe omugenzi Hajji Katongole kye yaleka ku Mackay Road mu Kampala ekipangisibwa bbanka.

ba Equity Bank gye baabaddamu nga balaga nti, waliwo abantu be baasisinkana wabula bannannyini kizimbe bagamba nti, be boogerako bafere tebabamanyi.

Ekizimbe ekyo kyaweebwa bamulekwa 9 era baagabana bwe bati: Katongole Musa 10%, Katongole Obedi 50%, Sempijja Muhammad 10%, Nassaazi Hanifa 5%, Nabakoza Ramze 5%, Namugenyi Halima 5%, Nabawesi Hadija 5%, Umu Kuluthum 5% ne Namata Iba 5%.

Omwogezi wa bbanka, Barbra Among bwe yatuukiriddwa ku kitebe kya Equity Bank ku Church



Hajjati Aisha Katongole ng'alaga ezimu ku bbaluwa ze bazze bawandiikira bbanka.

House mu Kampala yagambye nti, bo baabategeeza nti, omugenzi Hajji Musa Katongole teyalaama wabula ku biwandiiko ***Bukedde*** bye yalabyeko, omugenzi yaleka ekiraamo era kino Abasiraamu kwe baasinziira ne bagabanya emmaali mu mateeka ga Sharia.

Among agamba nti, okwerumaaluma kungi mu baana b'omugenzi era n'abakubiriza okumanya omuntu omutuufu ow'okukolagana naye ku bintu by'omugenzi kubanga ebiwayi eby'enjawulo bibatuukiridde nga bonna babanja bintu bya mugenzi.

Among agamba nti, waliwo n'amabanja ga Gavumenti ge



Hajji Abubakar Kaweesi

baasasulira omugenzi wabula n'agamba nti, tajja kwanika nnyo bintu bya kasitoma waabwe.

Omu ku bavunaanyizibwa okussa mu nkola ekiraamo kya Hajji Katongole ayitibwa Hajji Abubakar Kaweesi yagambye nti, ekiraamo weekiri era jjajja w'Obusiraamu, Omulangira Hajji Dr. Kassim Nakibinge ye yakitereka.

Hajji Kaweesi yawabudde nti, obuvunaanyizibwa omugenzi bwe yabalekera mu kiraamo baabumaliriza nga buli omu yaweebwa omugabo gwe abamu ku baagabana baatunda ate abalala ne babizza mu mannya gaabwe.

Ekyapa ekirala okuli amaka e Kisaasi, omugenzi yakigula ku Asuman Katongole eyali akisinze mu Equity Bank. Bagamba nti, lino lyaggwaayo kyokka na-